Okwetegeleza
Posted by garvin - 2008/07/18 23:51

Nsanyuse okube'gatako bantu bange.

Luli nali nzila okuva kumulimu...wadde nali nkooye, nasanga omukazi eyankama enseko.

Omukyala ono yali mulema kubanga yali kukagaali ka'abalema. Nagenda okulaba nga ayagala kunyiga peesa "traffic lights" zikyuuke asobole okusala ekubo.

Nempapa nsale ekubo nkamunyigile aleke kutawana.

Mba ntuuka mumakati gekubo nti...mhhh.....kyambuukako!!

Omukyala yabuuka kukagaali....na'akuba enta nga satu na'linyiga nga nokwesooza yesooza.

Ela emotoka zayimilira nange nenkozesa akakisa ako okuda ku ludda luli kwenali

:huh: !!....okutambula kulaba.....!!:huh:

==========

Re:Okwetegeleza
Posted by JeenaJulia - 2008/07/19 10:11

Nga wakigwako mwana watu..:laugh: :laugh: :laugh: Nze kyebayita okuyamba abantu banno kyenasoka okwesalako kuba lumu nesanga nga nvumidemu akakadde.Nali nakajja wanno nga nakatandika okuyiga olulimi..kati lumu mba ndi mu basi nga akakade kayingila,kyokka nali ntude mumaso ate nga bagamba nti bwolaba omuzeyi omuwa ekifo wakili gwe noyimilila.Nga nvila kakade ku ntebe naye akakazi kali kanalukalala bunno ndowoza obwakadiya empakka...nga kasonda amanyi nga kabuza mbu ani ansabye okukavila ela nti tekagya kutulawo...nga buli muntu akasimba amasso.Oba ne driver yakozesa kasonso,yasimbula bus mungeli akakazi nekayuya yuya okukakana nga katomedde abakali okumpi ela omukyala omu nakabaka nga tekanagwa.Olwo nekalyoka kasaba owokutula nga bwekambwegese amasso,mubusungu obungi nakadamu namuluganda nti "bukyanga olya binyonyi,leero olide mpaabaana".Teli yakitegela naye bonna bamanya nti ndabika nkavumye ela saseguka wadde okudayo okutunula emabega okumanya ekigenda mumaso..Okuva olwo nakomba kwelima.I mind my own business.

==========

Re:Okwetegeleza
Posted by jameerah - 2008/07/19 18:56

Haha J J nze nsese nempulira nga ddala nkulaba mu bus nobusungu bwo oyanukula akakadde muluganda!

Uhm kati no ate abakadde bebantu abatayambika ddala kubanga nebwomuyamba okusitula akagaali ke okukassa mu bus taggambanako mu thank you!:ohmy: but 4 heart felt sympathy i cant stop helping them if they a in need of my assistence!:P ndaba nga jjaja wange i just imagine!

==========

Re:Okwetegeleza
Posted by Astartois - 2008/07/19 20:26

True, it’s hard to tell when and if you should get up for some of these grumpy old women who sometimes take offense when someone gets up to let them sit down. You can never tell which one of them is gonna take your act of kindness as a personal declaration of all out war. There are also some who act as if it’s mandatory that they be given your seat because you are of “that” caste. If they have a nasty attitude or a caste system mentality, then they shouldn't be

rewarded. I too just like JJ become opinionated and vocal about it.

But again it's still a nice thing to offer your seat - the world could do with people being a little nicer.

==========

Re:Okwetegeleza

Posted by prettyd - 2008/07/20 00:02

Hahahaha hehehe hihihihi.....Ahaa baana battu Gavin ne jj enseko zemunzisizza kata zinkutule embiriizi.nkubyemu akafananyi nga omulema abuuka mu kagaali nga bweyesooza lowokuba tayagala kumuyamba.naye Gavin kyenjagala okumanya oyo yali mulema ebya ddala oba yali mukatemba?

jj munaaye akakadde ko nako maama kali kanalukalala!naye nsuubira olunaku olwo kaayiga lesson naye munange tokoowa kubayamba mukama y'alisalawo!

==========

Re:Okwetegeleza

Posted by Meli - 2008/07/20 07:42

JJ abazungu nno tebakukandule ebinywa? Webale kukuuma kaliro.

Wano waliwo akakyaala kangambe nti kakulu kulu, naye kekolako full. Kati nze mu bus nnali nsoma katabo kange nga mpuliriza ne music ku walkman. Nnali segenderezza nti kakazi kannange kaali katokota omuvubuka omu eyali ayimiridde okukalinaana. Bwensitula bwenti amaaso nkalaba, kati kwekusita nti katuule, eyo statement ku bwaayo egamba nti ggwe omunafu tuula. Ekyo kyali kitegeeza nze ngenda nyimire wali okumpi nomuvubuka. Kanno nga oyagala okulaba obusungu bwomwana w'omweru musikirize mu kaseera bwekati. Akakazi kamboggoreera! okwekangaq nga ngudde back mu ntebe yange. Nze sigaana kuyimirira kati, ntya bisago. Ate nga omwogezi omu bwagambye, waliwo nabakina nti ggwe oba onviira kaddugala bilali f... Nange nengamba nti oba tutuuse naku bya bilali... kale sijja kuvaawo.

==========

Re:Okwetegeleza

Posted by JeenaJulia - 2008/07/20 10:34

JJ abazungu nno tebakukandule ebinywa? Webale kukuuma kaliro.

Haaaa kyokka Meli..Melissa...Melida on whom do i see on?:unsure: Nange nagamba kankume akaliro,akaaka kanyoke nyoke osanga kalilabibwa nekabajukiza ebyemabegga.Gwe bwoba ogenda ku vacation tosibula??:lol: Ebyo ebinywa byo byakanduka daa binakanduka kumi?Kulikayo nyabo.

==========

Re:Okwetegeleza

Posted by JeenaJulia - 2008/10/02 09:42

Ekifo gy'oggye omubeezi kiraga empisa ze

MBUULIRA gw'oyita naye nkubuulire empisa zo. Bw'oba n'omutwe ogujjukira olugero luno buli lw'olowooza okufuna omwagalwa ow'okubeera naye obulamu bwo bwonna, kizibu okugwa ku mbaki.

Ebifo abantu mwe batera okukung'aanira birina kinene kye bikola ku nneeyisa yaabwe.

Okugeza, omukazi gw'okwanidde mu ndongo y'okukeesa obudde oba oyo gw'osanze mu bbaala nga yeekatankira omwenge, kizibu okumutwala awaka n'atereerawo. Buli kiseera akulaba ng'amutadde mu kkomera.

Sso nga bw'osanga omuwala mu kkanisa ne mutta ekyama, ono atera okumanya amakulu g'obufumbo.

Wabula kino tekitegeeza nti mu kkanisa mubaamu balungi bokka. Mulimu n'embaki. Anti jjukira nti, enda muwogo evaamu abalungi n'ababi. Olumu gubeera mukisa!!!

Published on: Monday, 29th September, 2008

GWE OWUWO WAMUJJA WA????Mu CU...this could be Church of Uganda or even Community Unions not 4getting Connect Uganda.

==========

Re:Okwetegeleza

Posted by rambuka - 2008/10/03 01:26

_____

senga----rambuka----i will try with a star-----kubba kati-----i know how to handal------love-----be there

==========